# Ey'abazimbi bagitutteko ekikopo n'eraajana

Bya TEOPISTA NAKAMYA

TTIIMU y'abazimbi e Kijabijo ekiguddeko bw'ekubiddwa Lugala FC esangibwa mu munisipaali y'e Kira n'esubwa okuwangula kimeeme w'embuzi mu Philp Lutaaya Tournament. Lugala yakubye ggoolo 4-2 mu nsiike eyabumbujjidde ku kisaawe ky'e Nambogo mu Kijabijo. Eddakiika e 90 zaaweddeko nga buli omu alina (1-1) oluvannyuma ne bagenda mu kusimulagana peneti.

Mu kujaganya ennyo, abawagizi ba Lugala baasitudde Deo Innocenti eyakubye ggoolo ey'obuwanguzi ne bamwetoolooza ekisaawe nga bwe bamuyimba n'okumusuusuuta.

Lugala yakwasiddwa embuzi ne ttiimu yaabwe ey'abawala n'eweebwa ebirabo olw'okuwangula ekikopo mu kubaka. Lutaaya yasabye abaawanguddwa obutaggwaamu maanyi wabula batereeze ebyabalemesezza okuwangula balinde ekikopo ekiddako.



Abazannyi ba Lugala nga basitudde embuzi